<u>**Luganda - Zabbuli - WP Praying Psalms**</u>

**Zabbuli 68:1 Katonda agolokoke, abalabe be basaasaane; Era n'abo abamukyawa badduke mu maaso ge.**

**Zabbuli 5:9,10 Kubanga tewali bwesigwa mu mimwa gyabwe: Omwoyo gwabwe bubi busa: Omumiro gwabwe ye ntaana eyasaamiridde; Beegonza n'olulimi lwabwe. 10 Obasseeko omusango, ai Katonda; Bagwe olw'okuteesa kwabwe bo: Obasindike mu kwonoona kwabwe okungi; Kubanga bakujeemedde ggwe.**

**Zabbuli 11:6 Ku babi anaatonnyesanga ebyambika; Omuliro n'ekibiriiti n'empewo ezookya binaabeeranga omugabo ogw'ekikompe kyabwe.**

**Zabbuli 18:14 N'alasa obusaale bwe n'abasaasaanya; N'alasa enjota nnyingi n'abeeraliikiriza.**

**Zabbuli 18:17 Yamponya eri mulabe wange ow'amaanyi, N'eri abo abankyawa, kubanga bansinza amaanyi nze.**

**Zabbuli 18:39 Kubanga onsibye amaanyi ag'okulwana: Obafukamizza mu maaso gange abannyimukirako.**

**Zabbuli 18:45 Bannaggwanga baliggwaawo, Baliva mu bifo byabwe eby'okwekwekamu nga bakankana.**

**Zabbuli 27:11 Onjigirizenga ekkubo lyo, ai Mukama; Era onnuŋŋamyenga mu luwenda olulabika, Olw'abalabe bange.**

**Zabbuli 35:1-8 Wakana, ai Mukama, n'abo abawakana nange: Lwana n'abo abalwana nange. 2 Kwata engabo n'akagabo, Oyimirire okunnyamba. 3 Era sowola n'effumu, ozibire ekkubo abo abanjigganya: Ogambe emmeeme yange nti Nze bulokozi bwo. 4 Bakwatibwe ensonyi baswazibwe abanjigganya emmeeme yange: Bazzibwe ennyuma beeraliikirizibwe abateesa okunkola obubi. 5 Babeere ng'ebisusunku ebitwalibwa n'empewo, Era malayika wa Mukama ng'abagoba. 6 Ekkubo lyabwe libeere ekizikiza n'obuseerezi. Era malayika wa Mukama ng'abayigganya. 7 Kubanga awatali nsonga bankisizza mu bunnya ekyambika kyabwe, Awatali nsonga basimidde emmeeme yange. 8 Okuzikirira kumujjeko nga talaba; N'ekyambika kye kye yakisa kimukwate ye yennyini:**

Akigwemu n'okuzikirira:

Zabbuli 52:5 Era ne Katonda bw'atyo anaakuzikirizanga emirembe gyonna, Alikusitula, alikukwakula, alikuggya mu weema yo, Alikusigula okuva mu nsi ey'abalamu. (Seera)

Zabbuli 60:12 Katonda ye anaatukozanga eby'obuzira: Kubanga oyo ye anaalinnyiriranga ku balabe baffe.

Zabbuli 66:3 Katonda nti Emirimu gyo nga gya atiisa! Olw'obuyinza bwo obungi abalabe bo balikujeemukira.

Zabbuli 68:35 Ai Katonda, oli wa ntiisa ng'oyima mu bifo byo ebitukuvu: Katonda wa Isiraeri yawa amaanyi n'obuyinza abantu be. Katonda yeebazibwe.

Zabbuli 70:1 Oyanguwe, ai Katonda, okundokola; Oyanguwe okunnyamba, ai Mukama.

Zabbuli 71:13 Bakwatibwe ensonyi bazikirire abakyawa emmeeme yange; Baswazibwe banyoomebwe abaagala okunkola obubi.

Zabbuli 76:12 Alizikiriza omwoyo gw'abalangira: Ye w'entusa eri bakabaka b'ensi.

Zabbuli 118:10 Amawanga gonna ganneetoolodde: Mu linnya lya Mukama ndigazikiriza.

Zabbuli 118:12 Banneetoolodde ng'enjuki; bazikidde ng'omuliro ogw'omu maggwa: Mu linnya lya Mukama ndibazikiriza.

Zabbuli 149:8,9 Okusiba bakabaka baabwe n'enjegere, N'abakungu baabwe n'ebisiba eby'ebyuma; 9 Okubatuukirizaako omusango ogwawandiikibwa: Abatukuvu be bonna balina ekitiibwa ekyo. Mumutendereze Mukama.

Pastor T. John Franklin
Church of Salvation, Healing, and Deliverance
COS-HAD.org